Okulya Omulyango Gw'Omulabe Oluvannyuma Lw'Okugezesebwa

Muli nneewunya lwaki . . . Omanyi, nninamu ekirowoozo ekitonotono, tugambe, okulaba abantu nga bayimiridde bwe tuba tusoma Ekigambo. Mmwe temukyagala? Tuyimirira nga twatula okweyama kwaffe okw'obwesigwa, tuyimirira ku lw'eggwanga lyaffe, lwaki tetuyimirira ku lw'Ekigambo kati?

2 Nga tukyayimiridde mu ddakiika nga emu. Nnali nnina ensonga gye nsomako, emabegako, era nnabadde ndowooza ekiro ekyayise ku bantu bali abaayimirira ku lwa Kristo. Bw'oba tonnakikola, tookikole olwa leero?

3 Waaliwo omubuulizi w'enjiri ow'amaanyi, emyaka nga nsanvu mu etaano egiyise, ssisobola kujjukira linnya lye. Ndowooza yali Arthur McCoy, era yali yasomoka. Era lumu ekiro yafuna ekirooto nga agenze mu Kitiibwa. Agamba nti bwe yasemberera Wankaaki, n'agamba nti tebaamuganya na kuyingira. Era agamba nti yagamba nti, "Nze Arthur McCoy okuva mu Amerika. Ndi mubuulizi wa njiri."

4 Awo omukuumi wa wankaaki n'ayingira, (kati kino ky'ali kirooto), n'ayingira, n'agamba nti, "Erinnya lyo ssirirabako yadde."

N'agamba nti, "Naye, nnali mubuulizi wa njiri."

N'amugamba nti, "Ssebo, Ndi . . . "

5 N'agamba nti, "Naye, kisoboka okuba nti . . . Waliwo ekikyamu."

6 N'agamba nti, "Nedda, ssebo. Ekitabo nkirina wano. Erinnya lyo ssirirabako yadde."

Awo n'agamba nti, "Kati, waliwo kye nsobola okukolawo?"

7 N'agamba nti, "Osobola okujulira ensonga yo eri Entebe Enjeru ey'Omusango." Ayi Katonda, onnyambe. Awo ssaagala kutuukawo.

8 N'agamba nti, "Kale, eryo bwe liba nga lye ssuubi lyange lyokka, oba oli awo nja kumala gajulira ensonga yange."

9 N'agamba nti mu kiseera ekyo yalowooza nti yaviirawo ddala, na . . . Era bwe yali avaawo, agamba kyali kizikiza, ne kigenda nga kyeyongera okutangaala, era agamba nti ky'alabika nga awataaliwo kifo kyonna Ekitangaala kino we kyali kikoma,

naye yali wakati mu Kyo. Era agamba nti n'Abuuza nti, "Ani ajja asemberera Entebe Yange ey'Omusango?"

10 N'addamu nti, "Nze Arthur McCoy. Ndi mubuulizi wa njiri, nkyusizza emmeeme nnyingi eri Obwakababaka."

N'amubuuza nti, "Erinnya lyo teryazuuliddwa mu Kitabo?"

"Nedda."

N'amugamba nti, "Kati ojulidde eri Kkooti Yange?"

"Yee, ssebo."

11 "Ogenda kulamulwa mu bwenkanya. Nkulamula okusinziira ku mateeka Gange. Arthur McCoy, wali olimbyeko?"

12 Agamba nti, "Nneerowoozanga okuba omuntu omulungi ennyo okutuusa lwe nnayimirira mu Kitangaala ekyo." N'agamba nti, "Naye mu Maaso g'Ekitangaala ekyo, nnalabika nga ndi mwonoonyi." Ffenna tujja kulabika bwe tutyo. Oyinza okuwulira nga otebenkedde kati, naye lindako lw'olituukawo Awo. Mulowooza kiwulikika kitya wano bw'Aba nga afuka amafuta? Nga owulira nga otoowaziddwa! Kiriba kitya ku Ntebe Enjeru ey'Omusango?

N'amubuuza nti, "Wali olimbyeko?"

13 Agamba nti, "Nneerowoozanga nti nnali wa mazima, naye waliwo obuntu obutonotono bwe nnalowooza nti si bulimba bwennyini, kyokka bugejja ne buddugalira ddala Eri."

N'addamu nti, "Yee, ssebo, nnali nnimbyeeko."

N'amubuuza nti, "Wali obbyeeko?"

14 Agamba nti, "Nneerowoozanga nti nnali mwesimbu mu ekyo, era nga ssibbangako," naye n'agamba nti, "mu Maaso g'Ekitangaala kiri, na—nnakizuula nti waaliwo ebintu ebimu bye nnakola, ebitaali birungi n'akatono."

N'addamu nti, "Yee, ssebo, nnali nzibyeko."

N'agamba nti, "Ensala yange. . . "

15 Era yali alindiridde kuwulira kusalirwa kwe nti, "Genda mu muliro ogutazikira ogwategekerwa ssitaani ne ba malayika be," agamba nti amagumba ge gonna gaali gakubagana.

16 Agamba nti, "Ne mpulira Eddoboozi erikyasinze okubeera esseeneekerevu lye nnali mpulidde mu bulamu bwange." N'agamba nti, "Bwe nnakyuuka okutunula, ne ndaba amaaso agakyasinze okubeera ag'ekisa ge nnali ndabye; nga ga kisa n'okusinga aga maama, n'eddoboozi esseeneekerevu okusinga mmange lye yali ampisizza." Agamba nti, "Nneetolooza amaaso. Ne mpulira Eddoboozi, ne ligamba nti, 'Kitange, ekyo kituufu, yalimba era teyali mwesimbu mu byonna. Naye, wansi ku nsi yayimirira ku Lwange,' ne ligamba nti, 'kati Nja kuyimirira mu kifo kye.'"

17 Ekyo kye njagala kibeewo kw'Olwo. Njagala nnyimirire ku lulwe kati, kibeere nti, ekiseera ekyo bwe kirituuka, Yayimirira mu kifo kyange.

18 Leka tusome okuva mu Lubereberye 22: olunyiriri olw'e 15, 16, 17, n'olw'e 18.

> *Ne malayika wa* Mukama *n'ayita Ibulayimu omulundi ogw'okubiri ng'ayima mu ggulu,*
>
> *n'ayogera nti Nneerayidde nzekka, bw'ayogera* Mukama, *kubanga okoze bw'otyo, n'otonnyima mwana wo, omwana wo omu:*
>
> *okukuwa omukisa nnaakuwanga omukisa, . . . n'okwongera nnaakwongerangako ezzadde lyo ng'emunyeenye ez'omu ggulu, ng'omusenyu oguli ku ttale ly'ennyanja; era ezzadde lyo balirya omulyango gw'*omulabe *waabwe;*
>
> *era mu zzadde lyo amawanga gonna ag'omu nsi mwe galiweerwa omukisa; kubanga owulidde eddoboozi lyange.*

Tusabe.

19 Kitaffe Ow'omuggulu, twala ekitundu kye tusomye kaakano, Mukama, oweereze gye tuli. Omwoyo Omutukuvu leka atwale Ebigambo, ayi Mukama, buteerevu eri buli mutima. Asisinkane bye tusuubira olw'eggulo luno, kubanga bikulu, Mukama. Era watugamba tusabe mu bungi, essanyu lyaffe libeere lijjuvu. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Muyinza okutuula.

20 Kino bwe mbeera ow'okukiwa omutwe, okumala akaseera akatono. Eddoboozi lyange linafu, kale eyo y'ensonga lwaki nnina okuyimirira kumpi n'akazindaalo. Mmanyi waliwo okuwaawaala, naye ka tugira tukigumidde. Njagala kukiyita: *Okulya Omulyango Gw'Omulabe Oluvannyuma Lw'Okugezesebwa.*

21 Kye twogerako kitandikira ku bimu ku biseera ebikulu ennyo mu bulamu bwa Ibulayimu. Mukimanyi nti Ibulayimu ye jjajja w'abakkiriza. Era nga n'ekisuubizo kyaweeba eri Ibulayimu. Era okuyita mu kubeera abasika awamu naye mwokka, okuyita mu Kristo, ye ngeri yokka gye tufunamu ekisuubizo, kuyita mu Ibulayimu. Kati, Ibulayimu yali muntu owa bulijjo, naye yayitibwa Katonda era yali mwesigwa eri okuyitibwa okwo. Katonda bwe yayogera naye, Ibulayimu teyabuusabuusa Ddoboozi eryo wadde omulundi ogumu. Yalinywererako. Ssi nsonga buzibu ki obwabangawo, yalinywererako.

22 Era n'asuubizibwa omwana ow'obulenzi. Era yalindirira emyaka abiri-mu-etaano okufuna omwana oyo ow'obulenzi, ng'ayita buli kimu ekyali kikontana nakyo nga ekitali. Era nate, mu mwana ono ow'obulenzi, abantu bonna ab'oku nsi mwe

baali ab'okuweebwa omukisa. Era omukadde yali mwesigwa eri okuyitibwa kwe n'Ekigambo ekyasuubizibwa.

23 Yali kya kulabirako eri ekyo kye tulina okuba. Kaakano ffe, nga bwe twafiira mu Kristo, tuli Zzadde ya Ibulayimu.

24 Kati, waaliwo ezzadde lya Ibulayimu lya mirundi ebiri. Erimu lyali zzadde lya mubiri; eddala lyali Zzadde ery'omwoyo. Erimu lyali lya mubiri, okuyita mu mubiri gwe; eddala lyali Zzadde ery'okukkiriza kwe, okukkiriza, olwo naffe tulyoke tubeere Ezzadde lya Ibulayimu olw'Ekigambo ekyasuubizibwa.

25 Era kati oluvannyuma lw'okugezesebwa okumala emyaka abiri-mu-etaano mirambirira, era, mu kifo ky'okwongera okunafuwa, yeeyongera maanyi. Olaba, bwe kitaabaawo omwaka ogwasooka, omwaka ogwaddako kyali kya kubeera kyamagero ekisingawokko obunene, kubanga kyali kifuuse kya myaka ebiri. Era yatuuma wamu emyaka egyo, nga bwe yeeyongera okukaddiwa, nga n'omubiri gwe gweyongera okufa. Enda za Saala, enda ye, manya yali (yafuuka) ŋŋumba. Kale n'olwekyo amaanyi ge gaali gamuwedde, era waaliwo . . . Kyali tekisoboka n'akatono.

26 Wali olowoozezzaako ku kiki Katonda kye yakola awo? Labayo, teyasumulula busumuluzi nda ye kyokka. Kubanga, jjukira nti, ssinga ekyo kye yakola, kati jjukira nti ssinga ekyo kye yakola . . . tebaalina ccupa zino ez'ennywanto zino ezikkirizibwa, mu biseera ebyo, okuwa omwana, amata g'ente. Mukiraba? Yalina n'oku . . . Emisuwa gye egy'amabeere gyali gyakala. Kale Ya—Yali tasobola ku . . . Waali wateekwa okubaawo ekibaawo.

27 Kati, tunuulira omukazi, ow'emyaka kikumi, okulumwa ebisa. Omutima gwe gwanditendewaliddwa. Kizibu leero eri omukazi, ow'emyaka ana, okukikola. Omutima gwe gwanditendewaliddwa. Naye kati omanyi kye Yakola? Bwe weetegereza . . .

28 Kati mmanyi bangi bayinza okuwakana. Oba nga kituufu okwogera bw'entyo? Olaba, Na . . . Naye eno ndowooza yange nga omuntu.

29 Olaba, Bayibuli Kitabo ekisukkulumye eby'obuntu. Kyawandiikibwa mu ngeri nti kyakwekebwa eri amasomero, n'abasomerera eby'eddiini. Ekyo bameka abakimanyi? Yesu yakyebaliza Katonda. Yagamba nti, "Nkwebaza, Kitange, wabikisa abagezigezi n'abakalabakalaba, n'obibikkulira abaana abato abasobola okuyiga." Kitabo eky'okwagala. Okwagala kwa Katonda bwe kujja mu mutima, olwo n'obeera mu mukwano ne Katonda, awo ne yebikkula, ge makulu ga Bayibuli. Okuvvuunulwa kwa Bayibuli ye Katonda Mwene nga avvuunula ebisuubizo Bye. Naye, Bayibuli, yawandiikibwa nga amakulu gaayo gakisiddwa.

30 Kati, nga mukyala wange, ha, ye mukyala asingayo obulungi mu nsi yonna, era mazima ddala mmwagala. Anjagala. Kale bwe mba ssiri waka, ayinza okumpandiikira ebbaluwa, n'agamba nti, "Ow'omukwano Bill, nnaakamala okwebasa abaana ekiro kino. Olwaleero nnayozezza," na byonna by'aba yakoze, n'ebirala. Kati ebyo byonna abeera abyogerera mu bbaluwa. Naye, olaba, mmwagala nnyo, era tukwatagana nnyo, n'okutuusa nti nso—nsobola okusomamu ne ntegeera ky'ategeeza. Mmanya ky'aba ayagala okwogera, mulaba, oba akiŋŋambye oba nedda, mulaba. Mma—Mmanya ky'ategeeza, olw'okwagala kwe nnina gy'ali, n'okumutegeera.

31 Kale, ne Bayibuli bw'etyo bwe yawandiikibwa. Mukiraba? Aba—abaagisoma obusomi mu ttendekero amakulu bajja kugayitako; tebaligategeera. Olaba, oteekwa okubeera mu mukwano n'Ekigambo, Ye, "okumumanya." Olaba?

32 Kati, kati wano, weetegereze kye yakola. Kati Ibulayimu ne Saala baali bakaddiye, "nga bayitiridde obukadde," Bayibuli bw'egamba. Kati tekyali lwa kuba nti be baali basingayo obukadde eyo. Naye Bayibuli egamba nti, "Baali bayitiridde obukadde."

33 Kati weetegereze, amangu ddala nga Malayika ono amaze okulabika, gwe tubadde twogerako; eyali Elohim, Katonda. Era n'Agamba, yagamba Ibulayimu nti, "Ssirirema kukomawo gy'oli ekiseera bwe kiridda." Kati beetegereze mu byonna, baali kifaananyi kya Kkanisa, mu byonna.

34 Kati labayo. Kiikino ekyabaawo. Kati, teyaddaabiriza buddaabiriza Saala, n'addaabiriza ne Ibulayimu. Yabadizzaayo ddala ne bafuuka okuba omuvubuka n'omuwala. Kati ekyo kiyinza okulabika nga ekyewuunyisa, naye kati weetegereze ekitundu ky'Ekigambo ekisigaddeyo, obigatte wamu. Ekigambo kyaluŋŋamizibwa, era olina okuluŋŋamizibwa wamu n'Ekigambo. Kati, jjukira nti, mangu ddala nga ekyo kyakabaawo, mangu ddala nga Malayika ono yaakamala okulabika . . .

35 Nsobola okulaba, envi za Saala ezo, nnamukadde bambi n'ekitambaala ku kibegaabega kye, n'akakofiira akaziyiza enfuufu, ng'akutte omuggo, atambula. "Nze, okufuna essanyu ne mukama wange, nga akaddiye, naye?" Olaba? Ne Ibulayimu wuuno, n'ekirevu ekiwanvu, nga yekutte ku muggo, kuba, yali ayitiridde obukadde.

36 Naye ndaba, enkeera, nga ebibegaabega bye bitandika okwegolola, omugongo ogwali gumwewese ne gwegolola. Enviiri z'omukyala ne zitandika okukyuka. Ne baddayo ne bafuuka omuvubuka n'omuwala. Nga alaga ky'Agenda okukola eri Ezzadde lya Ibulayimu ery'olulyo Olulangira, olaba, bwe "tuliwanyisibwa, mu kutemya kw'ekikowe, ne tutwalibwa."

37 Weetegereze ekyabaawo. Kati kino ka nkibalage bulungi. Kati baatambula olugendo okuva mu kifo ekyo we baali, e Ggomola; ne bagenda okutuuka e Gerali, mu nsi y'Abafirisuuti. Wali okyegenderezza? Kebera ku mmaapu, olabe obuwanvu obuliwo. Lugendo luwanvu nnyo eri abakadde ab'emyaka egyo.

38 Ate, nga oggyeeko ekyo, mu—mu nsi y'Abafirisuuti eyo, waaliyo kabaka omuto eyali ayitibwa Abimereki, era yali anoonya mukyala. Kyokka yalina abawala Abafirisuuti abalungi bonna, naye bwe yalaba nnamukadde, n'agamba nti, "Alabika bulungi," n'amwagala n'ayagala n'okumuwasa. Kituufu. Uh-huh. Olaba, yali mulungi. Olaba?

39 Yali azzeeyo n'afuuka omuwala nate. Weetegereze, yalina okuddayo, okusobola okuzaala omwana oyo. Katonda yamufuula kitonde kiggya. Era yalina okufuulibwa ekyo, okusobola okukuza omwana ono. Kati jjukira nti, Ibulayimu, "omubiri gwe kyenkana gwali mufu," naye Saala yafa nga Ibulayimu wa . . . Isaaka yali wa myaka ana-mu-etaano, nzikiriza, Saala we yafiira. Awo Ibulayimu n'awasa omukyala omulala n'azaala abaana ab'obulenzi musanvu nga tobaze bawala, oluvannyuma lw'ekyo. Amiina.

40 Olaba, somamu otegeere amakulu agakisiddwa. Kifaananyi. Ekyo kiraga ky'Agenda okukola eri Abaana ba Ibulayimu bonna. Tuli mu kukisemberera kati, kale ebibegaabega byaffe ebikootakoota n'ebirala tebirina kye bikyuusa, ab'emikwano. N'envi zaffe na kyonna kye kiri, ssi nsonga kati. Tetutunula mabega. Leka tulindirire ekyo kye twolekedde.

41 Era jjukira nti, akabonero kano ke tulaba, ke kabonero akaasembayo Ibulayimu ne Saala ke baalaba, nga omwana ow'obulenzi eyasuubizibwa tannajja. Tukkiriza nti tuli mu kaseera ako.

42 Omukadde, oluvannyuma lw'omulenzi ono okuzaalibwa . . . Osobola okukubamu akafaananyi nga Isaaka, wa myaka nga kkumi n'ebiri; omulenzi omuto omulungi, ow'enviiri ez'amayengo, n'amaaso amatonotono agatangalijja? Nteeberezaamu engeri maama oyo gye yawuliramu; omukyala omuto omulungi, era, ne kitaawe. Kati lumu, Katonda n'agamba nti, kati, okugeza; tuvudde wala, ekiseera kituuse. "Nkufudde kitaawe w'amawanga, okuyita mu mulenzi ono, naye njagala otwale omulenzi ono waggulu ku lusozi lwe Nnaakulaga, era njagala omuttire eyo, nga saddaaka." Ekyo osobola okukiteebereza?

43 Kati togambibwangako kugenda kukola kigezo nga ekyo. Ekyo leero takikola. Ebyo byali bya kulabirako, bisiikirize.

44 Ibulayimu yatya? Nedda, ssebo. Ibulayimu yagamba bw'ati, "Ndi mumativu nti Asobola okumuzuukiza okuva mu bafu, kubanga era nnamufuna nga eyava mu bafu. Era ekiragiro kya Katonda ekyo bwe kiba kyaŋŋamba kukola kino, era nga mbadde

mwesigwa gye kiri, ne ndaba omukisa, ne nfuna omwana ono; Katonda asobola okumuzuukiza okuva mu bafu; mwe yava ne mmufuna, nga omuntu."

45 O, mukwano, gwange! Katonda bw'aba yabawa Omwoyo Omutukuvu mmwe Abapentekoote, ne mwogera mu nnimi, mugwanidde kyenkana wa okukkiriza amaanyi Ge agawonya, n'obulungi Bwe n'okusaasira! Bw'Aba nga yakola ekyo, wakati mu kuwakanyizibwa kw'abaasomerera eby'eddiini bonna mu ggwanga! Baagamba nti tekisoboka kukolebwa, naye Katonda yakikola kubanga yakisuubiza. Kati awo nywerera ku ky'Okkiriza, Ekigambo kyo, Ekitala kyo, kkiriza Ekigambo kya Katonda. Katonda yakyogera, era kimala!

46 Wekkaanye, kati, kyamutwalira olugendo lwa nnaku ssatu okuva awo, n'ennyumbu. Kati nsobola okutambula, bwe nnali nga mu kulawuna, nnatambulanga mayiro asatu buli lunaku, mu ttale; ate nga tulina ebidduka ebya mafuta, kiyite bw'otyo. Naye abasajja bali, entambula yokka gye baalina, kwalinga kwebagala ndogoyi oba—oba kutambula. Era yatambula olugendo lwa nnaku ssatu okuva we yali, awo n'ayimusa amaaso ge, eyo mu ddungu, n'alengera olusozi.

47 Yaddira Isaaka n'amusiba emikono. Ekyo nga, ffenna tukimanyi nti, wano mu Luberyeberye 22, kye kifaananyi kya Kristo. N'amutwala waggulu ku lusozi, n'amusiba, nga Yesu bwe yatwalibwa waggulu ku lusozi, Olusozi Kalivaaliyo; ekifaananyi kyennyini, ekiraga Katonda nga awaayo Omwana We.

48 Naye bwe baatuuka waggulu eyo, era yali muwulize, Isaaka n'atandika okubeera nga eyeekengera. N'agamba nti, "Taata, enku ziizino, ekyoto kiikino, omuliro guuguno, naye ekiweebwayo kiri wa?"

49 Kati Ibulayimu, nga akimanyi mu birowoozo bye, wabula nga Ekigambo kya Katonda kimwesimbye mu maaso, n'agamba nti, "Mutabani, Katonda asobola okwegabirira ekiweebwayo." Ekifo ekyo n'akiyita, "Yakuwa-Yire."

50 Era bwe yasiba mutabani we, yali muwulize n'okutuusa okufa; n'amugalamiza ku kyoto, n'asowolayo akambe okuva mu kiraato, n'amalirira okujjawo obulamu bwa mutabani we. Naye, bwe yakikola, Ekintu ne kikwata omukono gwe, ne kyogera nti, "Ibulayimu, tomussaako mukono gwo."

51 Era mu kaseera ako, endiga ennume n'ekaaba, emabega we, nga amayembe gaayo gawambidde mu lukoola.

52 Wali olowoozezzaako, endiga ennume eyo yava wa? Jjukira nti, ekitundu ekyo kyali kijjudde empologoma n'emisege n'ebibe, n'ensolo ezirya endiga. Era yali wala kwenkana wa okuva awali abantu? Era, nga, ali waggulu ku lusozi, awatali mazzi. Era yali alonze n'amayinja, awo wonna, azimbe ekyoto. Endiga ennume eyo yava wa? Mukiraba?

53 Naye tekwali kwolesebwa. Endiga yagitta; era yali evaamu omusaayi. Kiki kye yayogera? "Katonda asobola okwegabirira ekiweebwayo."

54 *Ogenda* kuva otya mu katebe ako? Omwana *oyo* alina ebinywa ebyesiba agenda kutereera atya, oba *ggwe* okuva mu katebe ako, *ggwe* ali awo, *ggwe* alumizibwa omutima? Ka kibe kiki, "Katonda asobola okwegabirira."

55 Ibulayimu yakikkiriza. Omukadde yasigala mwesigwa eri ekisuubizo. Era yawa ekisuubizo, nti, "Ezzadde lyo! Kubanga okkirizza Ekigambo Kyange, mu buli mbeera yonna, ezzadde lyo lirirya omulyango gw'omulabe waalyo."

56 Lwaki? Buli mulabe eyagolokoka, ng'ekifaananyi, nga agoolokokera ku Ibulayimu, Ibula-. . . Omulabe agamba nti, "Mukadde nnyo. Ndi mukadde nnyo. *Bino* byonna, n'ebirala byonna." Era yasigala mwesigwa eri ekisuubizo ekyo.

57 Kati, omuntu alina okukkiriza okwo, era ajja kukkiriza Ekigambo kya Katonda awatali kutunuulira mbeera. Kati, ekyo bw'oba tosobola kukikola, kitegeeza toli Zzadde lya Ibulayimu. Okwo kwe kukkiriza Ibulayimu kwe yalina, Ezzadde lye.

58 Ekisuubizo kya Ibulayimu kyali nti "Ezzadde" lye, kati kikwata ne ku Zzadde lye ery'olulyo olulangira, era, nga bwe nnabagambyeko akaseera akaayise. Era akabonero kano ke yawa Ibulayimu, kaali kabonero ka kisuubizo. Era Ezzadde ery'olulyo olulangira, okusinziira ku Baefeso 4:30, "lisibwaako akabonero ak'Omwoyo Omutukuvu," nga limaze okuyita mu kugezesebwa. Gezaako okukirowozaako.

59 Bangi balowooza nti balina Omwoyo Omutukuvu. Bangi abagamba nti balina Omwoyo Omutukuvu. Bangi abasobola okulaga obukakafu n'obubonero bwakyo. Naye, era, bwe buba tebusobola kusigala na Kigambo kino, oyo ssi Mwoyo Mutukuvu. Mukiraba?

60 Okkiriza buli Kigambo, olwo n'osibwako akabonero oluvannyuma lw'okugezesebwa. Bwe tukkiriza buli kisuubizo ekiri mu Kigambo, awo Omwoyo atussaako akabonero, okukakasa ekisuubizo. Ekyo, Ibulayimu bwatyo, bwe yakikola. Awo, era awo wokka, we tubeerera n'eddembe okulya omulyango gw'omulabe waffe. Tosobola kugulya okujjako nga osoose n'ofuuka Ezzade eryo. Jjukira nti, mu Bayibuli. . .

61 Nnakyogerako, mu Houston oba awalala, luli. . . manya, ntegeeza mu Dallas. *Akabonero*.

62 Olaba, o—Omuyudaaya yali asobola okukakasa, mu Isiraeri, nti Muyudaaya olw'okukomolebwa. Naye Katonda yagamba nti, "Bwe ndiraba omusaayi! Era omusaayi gulibabeerera akabonero."

63 Obulamu obwali mu musaayi bwali tebusobola kujja ku musinza, kubanga, weewawo, bwali bulamu bwa nsolo,

kyali kisiikirize busiikirize ekiraga Obulamu obutuufu obwali obw'okujja. Mu kiseera ekyo, omusaayi gwennyini, ogukulukuta, gwali guteekwa okulabika nga mumyufu ku luggi ne ku mifuubeeto.

64 Nga gusiigibwako ne ezobu, nga gwe muddo gw'osobola okujja awantu wonna, ekiraga nti teweetaaga kubeera na kukkiriza okususse okwa bulijjo. Wetaaga kubeera bubeezi, na kukkiriza kwe kumu kw'olina, nga kw'okozesa okusimbula emmotoka yo, okujja ku kkanisa. Okiraba? Abantu bangi balowooza balina okubaako ne kye bali . . . Naye, nedda, nedda, ekyo kikyamu. Okukkiriza okwa bulijjo kwe kwokka kw'okozesa okusiigako Omusaayi. Wulira Ekigambo, era okkirize Ekigambo, kiteeke mu nkola, kye kyokka. Omuddo gwe wali osobola okunoga awantu wonna mu Palestina, gwali ezobu, omuddo omutono ogwameranga mu njatika z'ebisenge, n'okwetoloola wonna, ne bagunnyika mu musaayi gwabwe ne bagusiiga ku kabuno ne ku mifuubeeto.

65 Kati jjukira, ssifaayo oba endagaano baagirimu kyenkana wa, oba Omuyudaaya yali asobola kulaga kyenkana wa nti yali mukomole, oba muntu mulungi okwenkana wa, endagaano yonna yasazibwangamu okujjako nga—ng'akabonero kwe kali. "Bwe ndiraba omusaayi," gwokka.

66 Kati, Omusaayi leero, Akabonero, si gwe gukulukuta, Omusaayi gwa Kristo ogukulukuta, kubanga ogwo gwayiibwa dda emyaka nkumi na nkumi egiyise.

67 Naye, olaba, waali . . . waalina okubaawo omusaayi gwennyini ogukulukuta, obulamu obwali mu nsolo bwali tebusobola kujja ku muntu, kubanga obulamu bw'ensolo tebuliimu mmeeme. Ensolo teyawula kirungi na kibi. Omuntu y'alina emmeeme.

68 Kati, naye Yesu, Omwana wa Katonda, eyazaalibwa embeerera, bwe yayiwa Omusaayi Gwe, Obulamu obwali mu Musaayi ogwo bwali bwa Katonda bwennyini. Bayibuli egamba nti, "Twalokolebwa na Bulamu, na Musaayi gwa Katonda." Ssi na musaayi gwa Muyudaaya, ssi na musaayi gwa Munnamawanga; wabula na Bulamu bwa Katonda. Katonda ye yatonda akatoffaali kano ak'Omusaayi, ne kazaalibwa embeerera. Teyamanyaako musajja, yadde oku . . . n'eggi teryava mu ye.

69 Mmanyi bangi ku mmwe mwagala okukkiriza nti eggi lyava mu ye. Eggi terisobola kubaawo awatali nkyukakyuka mu mbeera ya mubiri, olwo Katonda aba yakola ki? Mukiraba?

70 Byombiriri eggi n'akatoffaali ak'Omusaayi ye yabitonda, era eyo ye yali yekaalu ya Katonda, entukuvu. "Ssiriganya Mutukuvu Wange kulaba kuvunda." Mulaba wa eggi gye lyava? "Yadde okuleka emmeeme Ye mu magombe." Omubiri Gwe gwali

mutukuvu! O, bannange! Bw'oba, ekyo tosobola kukikkiriza, oyinza otya okweyita Omukristaayo?

71 "Twalokolebwa na Musaayi gwa Katonda." Awo okukkiriza kwange we kuli. Ssi kutambulira mu musaayi gwa nnabbi, ssi kutambulira mu musaayi gw'omuntu wa bulijjo, oba omuyigiriza, oba eyasomerera eby'eddiini. Tutambulira mu Musaayi gwa Katonda. Katonda bwe yagamba. Yafuuka omuntu. Yakyusa enkula Ye. Yayanjuluza weema Ye n'etuuka eno, gye tuli, n'afuuka omu ku ffe. Ye Mununuzi ow'Olulyo lwaffe. Yalina okufuuka ow'olulyo lwaffe, kubanga etteeka bwe lyali liragira. Katonda yafuuka omuntu n'abeera wamu naffe.

72 Weetegereze engeri, mu kukola kino, Ye nga ava gy'Ali, yali Katonda, Omwoyo, era Omwoyo oyo akka ku mukkiriza. N'olwekyo, Obulamu obwali mu Saddaaka yaffe, tutegeererwa ku Bulamu obwo bwe bumu.

73 Kaakati bayinza batya okulaba Obulamu bwa Katonda nga butambulira mu makkati g'abantu, ate ne babuyita ekintu ekitali kirongoofu, ng'ate Obwo bwe bwoleka Ssaddaaka yaffe? "Oyo akkiriza Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola." Obulamu Bwe nga bukomawo ku ssaddaa-. . . okuva mu Ssaddaaka, nga bwe tugissaako emikono gyaffe era nga tweyoleka nti twafa eri endowooza zaffe. Kati awo tusobola tutya okuleka ebibiina by'amadiini okutusindiikiriza mu biyiiye n'ebintu, ate ne tugamba nti tukikkiriza? Twafa eri ebintu ebyo.

74 Pawulo yagamba nti, "Tewali n'ekimu ku bintu bino ekikyantawaanya," kubanga yali anywezeddwa ku ky'enkomeredde, Kristo. Era buli buwanguzi bwonna obutuufu buliko eky'enkomeredde kwe bunywezebwa, era eky'enkomeredde kyange kye Kigambo. Era na buli omu yenna bwali, nga—nga ddala yazaalibwa Omwoyo, eky'enkomeredde kye kye Kigambo kya Katonda. Nkinywereddeko. Nnakisaaako emikono gyange. Era kyatwala ekifo kyange, era nneeyolese wamu naye. Tukimanyi nti yasuubiza okweyoleka wamu naffe. Ekyo kireeta okukkiriza okwa nnamaddala; nga ssi kukkiriza kwo, wabula kukkiriza Kwe; ekintu kyotalinaako buyinza. Y'akikola. Kati weetegereze. Mu mbeera eyo, era mu mbeera eyo mwokka, nga e. . . ekisuubizo mwe kikuweerwa.

75 Ssi nsonga weegasse ku makanisa ameka, obatiziddwa emirundi emeka; nga bakuvuunise, nga bakugalamizza ku mugongo, mu ngeri yonna gy'oyagala. Okutuusa nga Akabonero ako kakuteekeddwako, oba tolina lukusa kugamba nti olina akakwate ne Ssaddaaka yo.

76 Kati Akabonero ka Katonda ke kaliwa? Abaefeso 4:30, egamba nti, "Temunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu wa Katonda, oyo eyabasibwako nga akabonero okutuusa ku Lunaku olw'okununulibwa kwammwe." Ssi kuva mu kudda obujja okumu okutuuka mu kulala, naye mwasibwako

akabonero ak'Obutaggwawo okutuukira ddala ku Lunaku lwe mulinunulibwa okuddayo.

77 Ate, jjukira nti, bw'oba nga tobeerangako mu birowoozo bya Katonda, era tolibeera ne Katonda. Bameka abakimanyi nti yali Mununuzi? Kale, kati, ekintu kyonna ekiba kinunuddwa kiteekwa okukomawo we kyali nga tekinnagwa. Kati bw'Aba yajja okutununula, tuyinza tutya, okuba nga waaliwo ekiseera we twali tetwetaaga kununulibwa, ate nga ffenna "twazaalibwa mu kibi, ne tubumbibwa mu kwonoona, ne tujja mu nsi nga twogera bulimba"? Kiraga nti Omukristaayo yennyini aba nneeyoleka ya birowoozo bya Katonda, bye yalina nga tewannabaawo nsi, oba emmunyeenye, yadde empewo, oba ekintu ekirala kyonna. Tekiggwawo, era Yajja kutununula atuzzeeyo gye twava. Kirowoozo kya Katonda, nga kyogeddwa ne kifuuka ekigambo, ne kirabisibwa era ne- . . . kizzibwayo mu kubeera ekirowoozo Kye.

78 Mununuzi ow'Olulyo lwaffe! Eyo ye nsonga lwaki Katonda Mwene yalina okufuuka omu ku ffe, asobole okununula. Tewali kirala kyali kiyinza kukikola. Malayika yali tayinza kukikola, tewali kirala kyali kiyinza. Yalina okukka wansi, akemebwe nga bwe tukemebwa, asobole okutununula.

79 Kati weetegereze ezzadde lya Ibulayimu ery'omubiri. Leka twetegereze ku bamu ku zzadde eryo ery'omubiri, tulabe oba nga Katonda yakuuma Ekigambo Kye eri ezzadde ery'omubiri, eyali Isaaka. Leka twetegereze abamu ku zzadde ery'omubiri abakkiriza ekisuubizo kya Katonda ekijjuvu awatali kubuusabuusa. Kati jjukira nti, waaliwo enkumi n'enkumi emirundi nkumi na nkumi emirundi nkumi abaali baakomolebwa na buli kimu kyonna, naye ate era nga tebaali Zzadde lya Ibulayimu. Ddala, "Omuyudaaya ow'okungulu si ye Muyudaaya; wabula Omuyudaaya ow'omunda." Abo, bangi ku bo, baalemwa, baalemererwa ddala.

80 Labayo, mu ddungu, baagamba nti, "Tu . . . " Olunaku lw'Okuyitako, manya we baanywera ku nsulo, Yokaana Omutukuvu 6. Bonna baali bajaguza.

81 Yesu yagamba nti, "Nze Lwazi luli olwali mu ddungu. Nze Mugaati oguva eri Katonda, oguva mu Ggulu, omuntu yenna gw'alyako n'atafa."

82 Ne bagamba nti, "Bajjajjaffe baalya emmaanu mu ddungu, okumala emyaka ana."

N'abagamba nti, "Era bonna, bonna, bafu."

83 *Bafu,* nnoonyereza ku kigambo ekyo, olabe kye kitegeeza, "Okwawukanyizibwa emirembe gyonna." Kyokka, nga baali zzadde lya Ibulayimu. *Okufa* kitegeeza "kwawukanyizibwa, kusaanyizibwawo, kuzikirizibwa ddala, kusaanyizibwawo." Yesu yagamba baali bafu, bonna, kyokka nga baali Bayudaaya abakomole.

84 Mulabe, ab'emikwano, ffe okubeera Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapulesibiteriyani, nga tuliko ne bye twatula, n'ebintu nga ebyo; ne ssitaani akkiririza ddala nga bwe tukkiriza.

85 Naye oteekwa okweyoleka nakyo. Katonda ateekwa okukiweerako obujulizi, nga assaako akabonero ak'Omwoyo Omutukuvu. Tewakyali kubuusabuusa Kigambo!

86 Bw'ogamba nti, "Kale, kati, ebyo byali bya nnaku ziri," wabaawo ekikyamu.

87 Watya ssinga omuntu ajja adduka, n'omugamba nti ekitangaala kyaka, ate ye n'adduka ng'agenda mu mwaliro ogusembayo wansi mu kizimbe, nga bw'agamba nti, "Ssisobola kukikkiriza. Ssisobola kukikkiriza. Tebangayo kintu kiyitibwa kitangaala. Sikikkiriza"? Wabaawo ekikyamu ku muntu oyo. Abaako ekikyamu ku bwongo. Bw'agaana ebbugumu ly'ekitangaala n'obulamu obukivaamu, abaako ekikyamu, ku bwongo.

88 Kati n'omuntu bw'alaba Ekigambo kya Katonda, nga kirabisiddwa mu butangaavu bwakyo mu maaso ge, ne kibaako ne kye kituukiriza, naye n'assa wansi entimbe z'eddiini ye, omuntu oyo abaako ekikyamu, mu by'omwoyo. Abaako ekikyamu. Wabaawo ekikyamu mu by'omwoyo. Mu buli ngeri tasobola kukikkiriza. "Muzibe, naye nga takimanyi," ng'ayolekedde Musango, ate nga Katonda y'ajja okubeera Omulamuzi.

89 Weetegereze bwe ba—baakola kino, n'ensigo zino kati ezaakikkiriza, weetegereze kiki ekyabaawo. Leka tulabe ku bamu ku bo kati, ezzadde lya Ibulayimu.

90 Leka tulabe abaana Abaebbulaniya, kubanga baasigala nga ba mazima ne batagumiikiriza bya kusinza kifaananyi. Baagaana okuvunnamira ekifaananyi kabaka w'eggwanga kye yali akoze. Kyali kikoleddwa mu kifaananyi ky'omusajja omutukuvu, nakyo, kyali kibumbe kya Danyeri.

91 Nga kiraga nti olulyo lw'Ab'amawanga lwayingizibwamu ku luuyi olukyamu, olw'okusinza ekifaananyi ky'omuntu omutukuvu. Lufulumizibwa mu ngeri y'emu, abantu bwe banaawalirizibwa okusinza ebifaananyi by'abantu. Lwayingiramu kuyita mu kubikkulirwa, Danyeri bwe yasobola okuvvuunula Ekigambo, ekyali kiwandiikiddwa n'omukono ku kisenge. Eyo ye ngeri gye lwayingiramu, era ye ngeri gye lufulumizibwa, mu ngeri y'emu, ey'ekifaananyi ky'Ab'amawanga.

92 Weetegereze, baagaana okukikola. Era kiki kye baakola? Baali zzadde lya Ibulayimu eryasigala nga lyesigwa eri Ekigambo, era baalya omulyango gw'omulabe, ogw'omuliro. Baakikola. Weewaawo, Ekigambo kya Katonda kituufu.

93 Danyeri, yagezesebwa olw'okusinza Katonda omu ow'amazima. Yagezesebwa olw'ekyo. Era mu kiseera eky'okugezesebwa, yayita ekigezo. Era kiki Katonda kye yakola, oluvannyuma lw'okulabika nga gamwesibye nga bwe tuyinza okwogera? Era baali tebamanyi kya kukola. Baali bagenda kumugabula eri mpologoma. Naye Danyeri yasigala mwesigwa okuyita mu kigezo, nti waliyo Katonda omu ow'amazima, era n'alya omulyango gw'omulabe we. Katonda yali aggadde akamwa k'empologoma.

94 Musa yasigala mwesigwa eri Ekigambo ekyasuubizibwa, mu maaso g'abageegeenyi ab'obulimba, Yane ne Yambere, mu kugezesebwa. Labayo, Katonda yali yamusisinkana, mu maanyi agasukkulumye ag'obuntu, n'amugamba agende akole ebintu bino, ayolese obubonero buno, era buli kabonero kaali ka kubaako eddoboozi. Musa yagendayo butereevu, mu bwesigwa bwonna. N'asuula wansi omuggo, ne gufuuka omusota. Mumanyi ekyabaawo? Ne zireeta abageegeenyi ne bakola ekintu kye kimu.

95 Kati, Musa teyawanika mikono gye, n'agamba nti, "Naye, kirabika byonna si bituufu." Yasigalawo awo wennyini n'alindirira Katonda. Yasigala mwesigwa. Si nsonga abageegeenyi baaliwo bameka, yasigala mwesigwa. Era bwe yasigala nga mwesigwa eri okutumibwa kwe, okujjayo abantu abo mu kifo ekyo, omulyango gw'amazzi bwe gwekiika mu maaso ge, Katonda yamuwa okugulya, n'aggula omulyango n'Empagi y'Omuliro eyamukulemberanga. Abantu n'abongerayo mu nsi ensuubize.

96 Yoswa, omukulembeze omulala ow'ekitalo. Babiri bokka ku . . . be baagenda mu nsi ensuubize, Yoswa ne Kalebu. Batuuka mu kifo ekiyitibwa Kadesi, nga ye yali entabiro y'amawanga mu biseera ebyo, era nga we waasalirwanga emisango. Era, o, baatuma abakessi kkumi na babiri okugenda okulaba ensi, era kkumi na babiri bonna baakomawo.

97 Ekkumi ku bo baagamba nti, "Ha, guno omulimu munene nnyo. Tetujja kugusobola. Eky'amazima, abantu bali, tulinga mayanzi bwe twegeraageranya nabo."

98 Naye Yoswa yakola ki? Yakkakkanya abantu. Yagamba nti, "Mulindeeko katono. Tuyinza nnyo n'okukirawo okukiwamba, si nsonga tuli batono kwenkana wa, oba tunyoomebwa kwenkana wa mu bungi." Yali akola ki? Yali anyweza obwesige bwe mu kisuubizo kiri nti, "Mbawadde ensi eno," naye mulina okulwanira buli katundu kaayo.

99 Ekyo okikkiriza, maama? Katonda akuwadde okuwonyezebwa kwo, naye olina okulwanira buli katundu kaakwo. "Buli kifo ekigere kyammwe we kinaalinnya, nkibawadde okubeera ekyammwe." *Ebisinde* kitegeeza

"bwannannyini." Byonna byammwe, buli kisuubizo kyammwe, naye kati mulina okulwanira buli katundu okuyingirayo.

100 Kati, Yoswa yali amanyi Katonda kye yayogera. Yali zzadde lya Ibulayimu. Olaba? Yagamba nti, "Nzikiriza nti, Katonda atuwadde ensi, era tusobola nnyo n'okukirawo okugiwamba." Era olw'okuba yayita ekigezo, nga akontana n'ekibiina kyonna eky'Abayisiraeli, ebika byonna n'abantu bonna baasinda ne bakaaba. Yoswa n'agamba nti, "Mukkakkane! Katonda yasuubiza."

101 Si nsonga weenkana wa, nga n'ebikweŋŋanga byenkana wa, na kiki omusawo kye yagamba, Katonda yasuubiza. Kiri eri Katonda okukikola.

102 Kiki kye yakola? Bwe yatuuka ku mugga Yoludaani, yalya omulyango. Ekyo kye ya—yakola.

103 Yeriko, nga kiggalidwa ng'enfudu mu kiwaawo kyayo. Kiki kye yakola? Yalya omulyango.

104 N'olumu omulabe we bwe yagezaako okumuwamba, yaliira ddala omulyango gw'omulabe we okutuusa nti yalagira enjuba eyimirire mu kifo kimu. Era enjuba n'emugondera, n'etatambula okumala essaawa abiri-mu-nnya.

105 Katonda mwesigwa eri ekisuubizo Kye, ka kibe kiki ky'Aba alina okukola; waakiri akaliza Eggulu naye n'Ataleka Kigambo Kye kulemererwa. Takolangako kisuubizo ky'atasobola kutuukiriza. "Nze Mukama awonya endwadde zo zonna. Bwe banassanga emikono ku balwadde, banaawonanga." Amiina. "Bw'oba osobola okukkiriza, byonna biyinzika."

106 Yoswa yakikkiriza, newankubadde nga Katonda yalina okuyimiriza ensi obuteetooloola. N'agikwatira awo n'Amaanyi ag'enjawulo, amaanyi Ge Mwene; ensi n'eteetooloola okumala essaawa abiri-mu-nnya, okutuusa nga Yoswa amaze okuwoolera eggwanga ku mulabe we. Yalya emiryango. Mazima ddala, yakikola. Katonda mwesigwa bulijjo.

107 Kati mpulira ssinga tubadde n'obudde okwogera ku bazira abalala, naye nsigazza eddakiika nga kkumi kati. Labayo, abazira bano bonna ab'omuwendo, nga bwe baali, era abalwanyi nnamige ab'okukkiriza, bonna baafiira ku mulyango gw'okufa. Bonna baazikirira, awo wennyini ku mulyango gw'okufa.

108 Ne walyoka wajja Ezzadde lya Ibulayimu ery'olulyo Olulangira. Bonna baali zzadde ery'omubiri, okuva ku Isaaka. Naye ne wajja Ezzadde lya Ibulayimu ery'olulyo Olulangira, nga ye yali Kristo, Ezzadde lya Ibulayimu ery'okukkiriza; kye tuteekwa okubeera, ggwe laba oba nga kye tuli oba nedda. Ezzadde ery'omubiri lyali kifaananyi bufaananyi. Bali bonna abalala baazaalibwa mu kuzaalibwa okw'omubiri, naye Ye yajja kuyita mu kuzaalibwa okw'embeerera. Mulaba, kati oyo teyali wa ku zzadde lya Ibulayimu, liri, Omuyudaaya. Ye yajja kuyita

mu nsigo ey'okukkiriza ekisuubizo. Era, n'olw'ekyo, tuteekwa okubeera abaana Be, okuyita mu Musajja ono.

109 Laba kye yakola. Bwe yali ku nsi, yawangula n'Alya buli mulyango omulabe gwe yalina; oyo Ezzadde ery'olulyo Olulangira. Yakisuubiza okuyita mu Kigambo. Yagiwamba. Yawangula omulyango gw'obulwadde, ku lwaffe. Ekyo kye Yajja okukola. Ye, mujjukire, mmwe abalwadde, omulyango ogwo Yaguwangula. Temwetaaga kuguwangula; Ye yaguwangula. Abasajja bali abalala nabo baalina okuwangula emiryango gyabwe. Naye ggwe tolina kugiwangula; gyamala dda okuwangulwa. Yawangula emiryango gy'endwadde. Era kiki kye yakola bwe yawangula emiryango gy'endwadde? Ng'agamba nti Yali wa ku . . . Kyonna kye mulisaba ku nsi, na buli kyonna kye mulisiba ku nsi, Yali wa kukisiba mu Ggulu, n'atuwa ebisumuluzo by'omulyango.

110 Yawangula omulyango gw'okukemebwa, ng'ayita mu Kigambo. Era ebisumuluzo byali nti, "Ziyiza omulabe, naye anaakudduka." Yabiwangula byonna; yawangula buli ndwadde.

111 Yawangula okufa, n'Awangula n'amagombe. Yawangula okufa n'amagombe. Yawangula abalala bye bataayinza kuwangula, kubanga baali ba zzadde ery'omubiri. Ono ye Zzadde ery'omwoyo. Yawangula omulyango gw'entaana, n'azuukira ku lunaku olw'okusatu, olw'okuggyibwako omusango kwaffe.

112 "Era kati tuli bawanguzi n'okukirawo." Tutambula butambuzi okukiyingiramu, nga obusika, "Abawanguzi n'okukirawo." Kati tulwanagana n'omulabe eyawangulwa edda. Endwadde zaawangulwa. Okufa kwawangulwa. Amagombe gaawangulwa. Buli kimu kyawangulwa. O, abange! Ssinga mbadde munene emirundi ebiri okusinga bwendi, kati ndabika mpulira bulungi emirundi ebiri okusingawo. Tulwana n'omulabe eyawangulwa.

113 Tekyewuunyisa Pawulo yasobola okwogera, bwe baali nga bazimba akalabba, okutemako omutwe gwe, yagamba nti, "Ggwe okufa, okuluma kwo kuli luuyi wa? Ndaga w'oyinza okundeetera okwenyoola n'okulaajana. Entaana, okuwangula kwo kuli luuyi wa, oo olowooza onandeetera okukunkumuka? Nja kukusongera ku eri enjereere; era ndi mu Ye, alinzuukiza ku lunaku olusembayo." Omulabe eyawangulwa!

114 Ezzadde lya Ibulayimu ery'olulyo Olulangira! Kati, ezzadde ery'omubiri lyali terisobola kusonga ku Ekyo. Naye Ezzade ery'olulyo Olulangira lisobola okuwangula, lyawangula dda, kubanga yatukulemberamu n'Awangula buli mulyango ku lwaffe. Era kaakati, oluvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri, ayimiridde mu makkati gaffe, Omuwanguzi ow'amaanyi. Teyawangula ndwadde zokka . . . Yawangula endwadde. Yawangula okukemebwa. Yawangula buli mulabe. Yawangula

okufa. Yawangula amagombe. Yawangula entaana, n'azuukira nate. Era oluvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri, Wuuno ayimiridde mu makkati gaffe, akawungeezi kano, nga yeeyoleka Mwene, Omuwanguzi ow'amaanyi! Amiina. Akyali wano, mulamu, ng'akakasa ekisuubizo Kye, Ezzadde lya Ibulayimu ery'olulyo Olulangira! O, abange! Era omulabe ajja . . .

115 "Aliwangula emiryango gy'omulabe we." Eri eryo, Ezzadde, ayimirira wano nga mulamu kwekakasa eri ani? Eri Ezzadde eryo abateekerwateekerwa abasobola okukiraba. Ekyo yakiwangula. Abo, oluvannyuma lw'okugezesebwa kwe, okw'ekisuubizo ky'Ekigambo, basibwaako akabonero n'Omwoyo Omutukuvu, okuyingira mu Mubiri gwa Kristo, nga (kiki?) ky'akakasa gye bali Abaebbulaniya 13:8 okuba ekituufu. Baasibirwamu n'akabonero k'Omwoyo Omutukuvu, Omwoyo Omutukuvu oyo eyali . . . Ibulayimu yakirengererawo; olw'okukkiriza n'akikkiriza. Era kati tumufuna, nga tutunula eri ekisuubizo ky'ekyo kye yayogera. Era Yokaana 14:12 kikakasibwa mu nnaku zino ez'oluvannyuma, okuyita mu Muwanguzi eyazuukira, Mwene.

116 Si nkola ey'engeri emu; wabula Omuntu, Kristo, Omuwanguzi. Si kkanisa yange, si kkanisa yange eya Baputisiti, oba eyiyo eya Pulesibeteriyani, eya Mesodisiti, oba ey'Abapentekoote, si n'ebyo; wabula kuyita mu Yesu Kristo. Mulamu leero. Yazuukira n'asukka ebyo byonna, olw'okuggyibwako omusango kwaffe.

117 Era olw'okuba Ye mulamu, yagamba nti naffe tuli balamu. "Omuntu tabeera mulamu lwa mmere yokka, wabula lwa buli Kigambo," si kitundu butundu ku Kigambo, "buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda." "Nze Kuzuukira n'Obulamu. Akkiriza Nze, newakubadde ng'afudde, aliba mulamu. Buli muntu omulamu akkiriza Nze talifa. Okikkiriza kino?" Wamba omulyango gwa buli mulabe!

118 Yali ayinza atya okuwamba Bosworth, nga ate Katonda . . . Bosworth yali mu Muwanguzi. Era eyo ye nsonga lwaki yagamba nti, "Ekiseera ky'obulamu bwange ekisinga okuba eky'essanyu kye kino kati." Uh-huh. Yali amanyi Omuwanguzi oyo ow'Amaanyi. Obukakafu bwe bwali bunyweredde mu Ye. O, bannange! Kati tusobola okuyimba nti:

> Nga mulamu, Yanjagala; bwe yafa,
> n'Andokola;
> Bwe yaziikibwa, n'Atwalira ddala wala ebibi
> byange;
> Bwe yazuukira, n'Anzigirako ddala omusango
> emirembe gyonna:
> Lumu alijja—o, nga luliba lunaku lwa kitiibwa!

119 Eri abo abalabika nga abawanguddwa. Eddie Perronet, nzikiriza yali ye, yalemwa okutunda ennyimba ze

ez'Ekikristaayo. Tewali yali azaagala. Tebaalina kye bazaagaza. O, nga awanguddwa, ate nga mukkiriza! Lumu, Omwoyo Omutukuvu yamukkako. Omulyango gw'omulabe we, eyali yagaana by'awandiika! Omwoyo yamukkako, n'akwata ekkalaamu, Katonda n'amukozesa okuwandiika oluyimba olw'okutongoza.

Mwenna mutendereze amaanyi g'Erinnya lya Yesu!
Bamalayika bavunname;
Muleete engule ey'ekitiibwa,
Mumutikkire okuba Mukama wa byonna.

120 Fanny Crosby omuzibe, lumu. Yabuuzibwa nti, "Kitegeeza ki gy'oli?" Abamu . . . Ye teyatunda busika bwe nga Elvis Presley Omupentekoote bwe yakola, oba nga Boone ow'enzikkiriza y'ekkanisa-ya-Kristo bwe yakola, oba nga Red Foley bwe yakola, bwe baatunda ebitone byabwe eri ensi; baafuna oluseregende lw'emmotoka zi Cadillac, n'obukadde bwa ddoola, mu ntambi z'ennyimba ezaamenya likodi. Naye Fanny Crosby yasigala mwesigwa eri ekifo kye. Yalaajanira waggulu nti:

Tompitako, Ai Omulokozi ow'ekisa,
Wulira okukaaba kwange okw'obwetowaze;
Nga bw'Okyalira abalala,
Nange tompitako.

Ggwe Nsulo y'emirembe gyange gyonna,
Onsingira obulamu,
Ku nsi nnina ani okujjako Ggwe?
Era nnina ani mu Ggulu okujjako Ggwe?

121 Baamubuuza nti, "Ate bw'olituukayo mu Ggulu nga oli muzibe?"

N'agamba nti, "Era, Ndimutegeera."

Ne bamubuuza nti, "Olimutegeera otya?"

N'agamba nti, "Ndimutegeera."

Ne bamugamba nti, "Muky. Crosby, wandikoze obukadde bwa ddoola."

N'agamba nti, "Obukadde bwa ddoola ssibwagala."

122 "Olimutegeera otya?" N'agamba nti:

Ndimutegeera, ndimutegeera,
Era nga omununule ndiyimirira ku ludda Lwe;
Ndimutegeera, ndimutegeera.

123 "Bwe ndiba ssisobola kumulaba, waakiri ndiwammanta enkovu z'emisumaali mu mikono Gye." Yawamba omulyango gw'omulabe we. Weewaawo.

124 Bw'oba oli mu Kristo! Yagamba nti, "Bwe mubeera mu Nze, n'Ebigambo Byange mu mmwe; musabe ekisumuluzo kyonna kye mwagala, musabe omulyango gwonna gwe mwagala

okuwamba; musabe kye mwagala, nakyo kiribaweebwa. Bwe munywerera mu Nze, n'Ekigambo Kyange mu mmwe, musobola okuwamba buli mulyango gwa buli mulabe abalumbagana." Mmwe Zzadde lya Ibulayimu ery'olulyo olulangira.

125 Mulyango nnabaki oguli mu maaso go? Bw'eba ndwadde, oli muwanguzi n'okukirawo gy'eri. Awo tusobola okugamba, ne tuyimba oluyimba luno olwedda olw'ekisa nti:

> Buli kisuubizo ekiri mu Kitabo kyange,
> Buli ssuula, buli lunyiriri . . . era Bitukuvu nnyo,
> Nneesize kwagala Kwe Okutukuvu,
> Kubanga buli kisuubizo ekiri mu Kitabo kyange.

126 Tuli bawanguzi n'okukirawo, era Ezzadde lya Ibulayimu lirirya omulyango gw'omulabe! Bwe bagamba nti Ebintu bino tebisobola kubaawo, bwe baagala okubiyita ssitaani, oba Beeruzebuli, oba ekintu ekirala kyonna, Katonda ajja kuwangula buli mulyango era awambe omulabe awatali kubuusabuusa.

Leka tusabe.

127 Mukama, leka Ezzadde lya Ibulayimu . . . Mmanyi bajja kukiraba, Mukama. Ekigambo ekyo kiyinza kitya okukka ne kitagwa mu Ttaka eryo lyennyini? Nsaba bakitegeere kati. Leka buli muntu ajja mu lunyiriri olw'okusabirwa awonyezebwe.

128 Mukama, bwe wabaawo abamu munda wano, abatannakola kwatula kwabwe, nga tebavangayo mu lujjudde ne bayimirira ku lwa Kristo, nga beetegefu okwegaana ebiyiiye byonna n'ebintu ebinnyogovu, ebiwolu, ebifu ebibawabizza okuva ku Ggwe. Leka bayimirire kaakano, bagambe nti, "Mukkiriza nga Omulokozi wange." Awo naawe oliyimirira ku lwabwe ku Lunaku luli.

129 Nga tukotese emitwe gyaffe, bwe wabaawo abaagala okuyimirira okumala akaseera akatono, olw'okusaba, abagamba nti, "Njagala kuyimirira ku lulwe kati, kibeere nti naye aliyimirira ku lwange ku Lunaku luli, mu Kubeerawo Kwe Okutukuvu." Nkusaba, era nkuwa akakisa erinnya lyo liteekebwe mu Kitabo ky'Obulamu, bw'oba osobola okuyimirirako. Ssikusaba kwegatta ku kkanisa yonna. Nkusaba kujja eri Kristo, bw'oba oli wano nga tomumanyi.

130 Katonda akuwe omukisa, mutabani. Waliwo omulala, agamba nti, "Nja—Njagala kuyimirira kaakano." Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze. "Njagala . . . " Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. "Nkola okusalawo kwange, olw'eggulo luno." Abantu bano abalungi, abasajja n'abakazi, abayimiridde nga bagamba nti, "Nkola okusalawo kwange, olw'eggulo luno."

131 Era ku lunaku luli omusawo bw'aligamba nti, "Eky"amazima, takyalina ssuubi; omusaayi gumuggwamu, okufa kuli ku musajja ono, oba omukazi ono." Oba ssi ekyo, amakya agamu, olijjukira okusalawo kwo. Yimirira ku lulwe kati.

132 "Bw'olinkwatirwa ensonyi mu maaso g'abantu, Nange ndikukwatirwa ensonyi mu maaso ga Kitange ne Bamalayika abatukuvu. Naye bw'olinjatula mu maaso g'abantu, Nange oyo gwe ndyatula mu maaso ga Kitange ne Bamalayika abatukuvu."

133 Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze. Waliyo abali eyo mu mwaliiro ogwa waggulu? Kati, nga tukyalindiridde. Abamu, abalala ku mwaliiro omukulu? Kale. Nkutwala nga ekigambo kyo bwe kiri, mukwano.

134 Ekigambo bwe kigwa ku Ttaka eggimu, nga omukazi oli ku luzzi, ya—yategeera. Yali yakiikirirwa mu Ggulu, okuva ku misi-. . . nga n'emisingi gy'ensi teginnabaawo. Ekitangaala ekyo bwe kyakyakaako, n'akitegeera.

135 Katonda akuwe omukisa, muganda wange. Ekyo kya buzira . . . Katonda akuwe omukisa, muganda wange. Oyinza okuba nga okoze eby'amaanyi mu bulamu bwo; naye kati okola ekikyasinzeeyo okuba eky'amaanyi kye wali okoze, kati, yimirira ku lwa Kristo.

136 Kitaffe Ow'omuggulu, ensigo erina ettaka mw'egudde, olw'eggulo luno. Tulaba Obulamu nga bumeruka. Abasajja n'abakazi bayimiridde ku bigere byabwe, era n'eriiso lya Katonda eriraba byonna, Oyo abeera wonna, amanyi byonna, ayinza byonna, libalaba. Babo, Kitange. Mbawaayo gy'Oli kati, nga ebirabo ebyoleka obuwanguzi.

137 Leka obumanyirivu bwabwe buno obw'okuyimirira awo kati, nga bategeerera ddala kye bakoze, nga bategeerera ddala kino kye kitegeeza, nti bayimirira okukola okusalawo kwabwe okwegatta ku batono ba Mukama abanyoomebwa. Leka basigale nga beesigwa bulijjo okutuuka ku Lunaku luli lwe baliyimirira mu Kubeerawo Kwo, awo Eddoboozi eryo eddungi we lirigambira nti, "Weewaawo, lumu mu Baton Rouge, oba mu kafo akamu akayitibwa Denham Springs, omuntu ono yayimirira ku lwange, Kitange, kati Nange ka nnyimirire ku lw'omusajja ono, oba omukazi ono." Kituwe, Mukama. Babo, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Katonda abawe omukisa, olw'okusalawo kwammwe. Katonda bulijjo . . .

138 Kati nsaba munkolere kino. Noonya, bw'oba obeera kumpi n'abasumba bano gye babeera, baako b'olaba, yogerako nabo. Bw'oba tobatizibwanga, mu kubatizibwa okw'Ekikristaayo, kikole. Weegatte ku bakkiriza kati, abakkiriza bennyini, si abo abeefaananyiriza abakkiriza; wabula abakkiriza bennyini.

Nga bwe tusaba, leka tusabire obutambaala buno.

139 Kitaffe Ow'omuggulu, obutambaala buno butwalibwa kati; gye butwalibwa, ssimanyiyo. Oba oli awo taata omu omukadde omuzibe aliko awantu awamu waali mu lutobazzi, ng'alindiridde akatambaala kano okujja; oba omwana omuwere ku ndiri mu ddwaliro; maama ng'ayimiridde, asobeddwa, nga alindiddde akatambaala okukomawo. Kitaffe Ow'omuggulu, nsaba ogende nabwo. Era ng'akabonero k'Okubeerawo Kwo leero, n'okukkiriza kwaffe mu Ggwe nga bwe tubuulidde Ekigambo Kyo, nsaba okukkiriza okwali mu Ibulayimu, n'okukkiriza okwalabisibwa okwatuweebwa Yesu Kristo, nsaba kugende n'obutambaala buno kuwonye buli yenna gwe bunassibwako. Tubuweereza, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

140 Kati mu kaseera katono, nga tetunnayita lunyiriri lw'ab'okusabirwa. Katonda omuyinza wa byonna era ow'amaanyi, Oyo omukulu, Oyo eyeemalirira . . . Bambi, ab'emikwano, ŋŋe—ŋŋenda kutandika okusabira abalwadde, era . . . Oba oli awo, bwe nnakkirira wansi, nnyi—nnyinza obutabaako na kye nkugamba; abamu ku mmwe muyinza okugenda nga ekyo tekinnaba. Kyonna ky'oli, bw'oba nga n'okuyimirira tewayimiridde, akaseera akatono akaakayita, nga toli mukakafu . . .

141 Bw'oba oli mmemba wa kkanisa, ekyo kirungi, naye si kirungi ekimala. Olaba, omuvubuka omugagga omufuzi yali mmemba wa kkanisa. Mukiraba? Yabuuza Yesu kiki kye yali asobola okukola okufuna Obulamu Obutaggwawo. Teyakikkiriza. Yatambula n'avaawo. Nga kyali kya busiru nnyo omuvubuka oyo okukola bwatyo. Tokola nga bwe yakola. Mujjukira omulundi gwe yasembayo okwogerwako? Oluvannyuma lw'ekiseera, yakulaakulana. Yeeyongera okugaggawala. Yatuuka n'ekiseera amawanika ge we gaaboogera. Naye ate tulaba we yasembayo okwogerwako, mu ggeyeena, nga ennimi z'omuliro zimwokya. Tokiganya, tokiganya okukutuukako. Kkiriza Kristo.

142 Mmwe abavubuka, mwe abawala abato, abalenzi abato, abakasuumuka, bambi mukikole. Mumpulire, nga—nga muganda wammwe, abaagala. Ndi wano kubanga mbaagala. Njagala Katonda, nammwe mbaagala, ate ssisobola kwagala Katonda bwemba ssibaagala.

143 Nandyagadde waakiri, bw'obaako n'eky'okusiima kyonna, kigambe mutabani wange, oba omu ku baana bange. Nze leka . . . ndi, ne bwessikimanya. Buli muzadde yenna ajja kukola bw'atyo; ne Katonda ajja kukola bw'atyo. Mukiraba? Yagala abantu Be. Mwagalane.

144 Oyinza okumbuuza nti, "Kati ate onenya baaki?" Okwagala okwa nnamaddala kugolola.

145 Omwana wo bw'aba atudde mu luguudo; n'ogamba nti, "Kale, Junior wuuli atudde wali. Tateekwa kukikola, naye ssaagala kumulumya mutima." Tomwagala. Bajja kumuttirayo. Bw'oba omwagala, ojja kumuyingiza munda omuweweenyulemu kibooko. Ojja kumuyigiriza okugonda.

146 Bw'atyo Katonda bw'akola. Okwagala kugolola, era okwo kwe kwagala okwa nnamaddala.

147 Omubuulizi bw'ayimirira n'abaleka mmwe abakazi okusala enviiri zammwe, n'okwesiiga langi n'ebintu ebyo, n'atabagolola, tewaliiwo kwagala kwa nnamaddala awo; n'atabivumirira. N'abaleka mmwe abasajja ne muwasa emirundi ebiri oba esatu, n'ebintu ebirala bino byonna, ne mweyongerayo nabyo, tewabaawo kwagala kwa nnamaddala awo. N'akuleka ne weegatta ku kkanisa, n'akusiisiitira ku mugongo, n'akutta mu kimugunyu n'ebigunje, nga akugamba mbu, "Ekyo kyokka ky'olina okukola, kwegatta ku kkanisa entukuvu," awo tewaba kwagala. Oba, kiba nti, omusajja oyo yennyini aba yabula, ye kennyini, talaba.

148 Okwagala okwa nnamaddala kugolola, era kukukomyawo eri Ekigambo kya Katonda.

149 Tunuulira Yesu, engeri, kye yayogera, olw'okuba yali abaagala, yabaagala nnyo ddala n'okutuusa nti yafa mu kifo kyabwe, ne bwe baali basaakaanya nti Omusaayi Gwe guyiibwe.

150 Kati leka Omwoyo Omutukuvu ow'ekitiibwa . . . Njagala kulindamu kko eddakiika. Nnindiridde okutuusa nga amafuta g'Omwoyo Omutukuvu ganziseeko, nga tetunnatandika. Mbadde mbuulira. Mwebale, okukolaganira awamu.

151 Kati, buli ali muno, wonna w'oli, mu kizimbe, saba okumala eddakiika, gamba nti, "Mukama Yesu, nnyamba! Nnyamba! Leka nkwate ku kyambalo Kyo." Yesu yagamba, omanyi, omukazi bwe yakwata ku kyambalo Kye, teyakiwulira, mu mubiri, naye yakyuka n'ategeera y'ani ne kye yali akoze. Ye Yesu y'omu olw'eggulo luno, Kabona Omukulu asobola okukwatibwako n'enneewulira z'obunafu bwaffe.

152 Mukkiriza, buli omu ku mmwe kati, nti kituufu, nti Katonda oyo eyakola ekisuubizo kino, omulundi gumu nate (era leka akirage) nti tuli mu nnaku za Sodoma? Ekyo bameka abakikkiriza, mu kizimbe, muyimuse waggulu emikono gyammwe.

153 Tuli, mu kye tuyita, Sodoma. Enkola y'ebintu yonna eyonooneddwa, enkola y'ensi yonna, buli kimu, enkola y'ekkanisa, enkola y'eby'obufuzi. Tewali n'ekimu. Eby'obufuzi bivunze nnyo. Enkola zonna, buli wamu, ba nnakyemalira baffe, byonna buvundu. N'ekkanisa nayo eri mu mbeera y'emu. Amaka gali mu mbeera y'emu. Buvundu bwereere, Sodoma!

154 Kati, jjukira nti, Katonda ekyo akikutadde mu maaso, era jjukira nti yagamba alyeyolekera mu mubiri gw'omuntu, era alikola nga bwe yakola e Sodoma, nga omwana Ow'obulenzi eyasuubizibwa tannaba kulabisibwa. Yasuubiza okutuma oyo eyali ow'okukulembera omwana oyo Ow'obulenzi eyasuubizibwa, nga bwe yakola ku mulundi ogwasooka, oyo alimwanjula; era yagamba nti, "Omwana w'omuntu bw'alibikkulwa."

155 Ssikumanyi. Naye, Mukyala Thompson, obuzibu obwo obw'ekikyala bw'olina n'okutawanyizibwa, okkiriza nti Katonda anaakuwonya? Osobola okukikkiriza? Onaakikola? Mukyala, Mukyala Thomas, okkiriza nti anaakuwonya? Yimusa emikono gyo, kale.

156 Waliwo omukyala atudde emabega wo. Ali mu kusaba. Alumizibwa ennyingo.

157 Oyo amuliraanye, alumizibwa mu lubuto, naye ali mu kusaba. Ogenda kukisubwa, bw'oteetegereza. Temuli ba mu kitundu kino. Muviira Mississippi. Mmwe Omw. n'Omuky. Stringer. Bwe muba mukkiriza n'emitima gyamwe gyonna, Yesu Kristo ajja kubawonya. Bwe muba musobola okukikkiriza. Mukikkiriza? Awo musobola okukifuna. Kale. Muyimuse emikono gyammwe abantu balabe nti ye mmwe.

158 Abantu bano ssibamanyi. Ssibalabangako, mu bulamu bwange. Oteekwa okukkiriza, mukwano. Yeeyoleka kaakati. Ekyo mukikkiriza, n'emitima gyammwe gyonna?

159 Lwaki onyeenyezza omutwe gwo, ssebo, n'ontunuulira bwo'tyo? Yee, ssebo. Olw'okuba okoze ekyo, ŋŋenda kwogerako naawe katono. Olabika nga omusajja omukulu ate omuntu-mulamu nga otudde awo wennyini, ontunuulidde. Antunuulidde, n'obwesimbu. Akikkirizza. Olina omuntu gw'osabira eyasannyalala. Naye—naye ekikyo ekikulu ky'osabira, oyagala, onoonya kubatizibwa kwa Mwoyo Omutukuvu. Kituufu. Uh-huh. Ekyo kituufu. Bw'oba okikkiriza! Nnyabo, onoonya mulimu. Ssi ekyo kyokka, ggwe okusobola okutegeera nti ndi nnabbi wa Katonda, oba omuweereza, waakalongoosebwa emirundi ebiri. Ekyo kyakuleka onafuye. Mu mbeera eza buli ngeri, n'okutawaanyizibwa mu by'omwoyo. Njagala okukutegeeza nti byonna biteredde. Okukkiriza kwo kukuwonyezza.

160 [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . . akuliraanye awo. Ali mu kusaba. Tunula eno. Akuwulidde, era omukomyeko. Ssikumanyi, naye Ye akumanyi. Ka nkubuulire ky'obadde osabira. Okkiriza n'omutima gwo gwonna? Olina obuzibu bw'akawago, oli mu kusaba. Okkiriza nti Katonda anaakuwonya n'otereera? Ye ggwe Muky. Smith. Kituufu. Yimusa omukono gwo.

161 Mulabe, Yeeyoleka kaakati. Kiki? Lye Zzadde lya Ibulayimu, okukkiriza Ibulayimu kwe yalina, Mukama Yesu Kristo mu makkati gaffe, nga akakasa Ekigambo Kye, n'obubonero obukigoberera.

162 B'ani, bameka abalina kaadi ez'okusabirwa, muyimuse emikono gyammwe, olina kaadi yo? Ha, ke kaseera tutandike olunyiriri lw'ab'okusabirwa.

163 Mukiraba, mukitegeera si kyo? Kati Omwoyo oyo te . . . Ekyo tekiwonya. Ekyo kimwoleka bwolesi nti ali wano. Abasumba bammwe balina obuyinza bwe bumu bwennyini okusabira abalwadde. Ekyo tebakikola; weewaawo tebakikola. Naye ba—naye balina obuyinza bwe bumu bwennyini, "Obubonero buno bunaagobereranga abakkiriza."

164 Kati njagala abasumba mikwano gyange abali wano. (Tekirina mutawaana, okubayitayo mu kibiina . . . ? . . .)

165 Basumba bameka wano abakkiriza n'omutima gwammwe gwonna, abaweereza abali wano, abakkiriza? O, mwebale. Musobola okusituka? Mujje wano, muyimirire nange eddakiika, wano wansi, tusabire abalwadde. Mujjire ddala wano wennyini. Kati weetegereza okuwonyezebwa nga kubaawo, weetegereze kiki ekibaawo.

166 Njagala mujje, mukole e—ennyiriri bbiri wano wennyini. Nzikirira wansi mu kaseera katono, okusabira abalwadde. Njagala abasumba abakkiriza abaagala okweyoleka nga abakkiriza, nti okkiriza, nti mu kujja kwo wano, otambulira mu bulamu obutukuvu, obulamu obulongoofu. Jjukira nti, laba wano abaavaayo, nga bakiikirira Enjiri ya Kristo!

167 Ow'oluganda Blair, nkumanyi wali, ggwe oba Ow'oluganda Pat. Musobola okukola ennyiriri ezo ebbiri nga bwe mutera okukikola, oba musobola, ggwe n'Ow'oluganda Pat.

168 Abasumba abakkiriza abagenda okukkiriza! Kati, labayo, Katonda bw'aba nga asobola okweyoleka bw'atyo okuyita mu Kigambo Kye, n'Ekigambo Kye, bameka abakimanyi nti Bayibuli, Yesu yagamba bw'ati nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza. Bwe banaateekanga emikono gyabwe ku balwadde, banaawonanga"? Abasumba, muzze wano okweyoleka nga abakkiriza. Kye muli? Muli bakkiriza (si kye muli?), temwandibadde nga muyimiridde wano. Kati Yesu yagamba atya? "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza." Ndi mukkiriza wamu nammwe.

169 Nzikirira wansi. Bano bantu baffe, era ffe basumba b'ebisibo bino. Nzikirira wansi okwanjuluza akatimba kange wamu nammwe kati, ngatte emikono gyange n'egyammwe. Era nga abantu bano bwe bajja, bw'oba nga olinamu ekintu kyonna nga okubuusabuusa okutonotono mu birowoozo byo, kujjeemu kati; kibeere nti abantu bano bwe bajja, awo buli

anajja, ne tumussaako emikono, anaawonyezebwa. Munakkiriza n'emitima gyammwe gyonna kati, buli omu?

170 Bameka wano abagenda okubeera nga basabira abalala nga bwe bajja, yimusa omukono gwo ogambe nti, "Ŋŋenda kubeera nga nsaba."

171 Jjukira nti, ayinza okuba kitaawo, oba maama wo, oba muwala wo oba mutabani wo, muganda wo oba mwannyoko. Naye bw'aba nga ssi wuwo, wa muntu mulala era, agenda okujja mu lunyiriri luno. Naye watya nga babadde babo, nga kookolo abatta, oba endwadde embi ennyo, tewandyagadde bantu babeere beesimbu nnyo? Mazima ddala, wandikyagadde.

172 Kati, nzikiriza, mugenda ku. . . Kaakati bano abali mu lunyiriri *luno* wano, mu lukuubo luno, muyimirire wali ku ludda *luli,* ne kaadi ey'okusabirwa. Muyimirire wali ku ludda luli, mwenna abali ku mukono ogwa ddyo. Kati, engeri, abali ku kkono mulindeeko; twegottese nnyo, mulaba, ate temumanyi ngeri ki, kiki kye tukola. Kale, kati mwenna abali ku ludda *luno*, muyimirire *wano*. Kati, mwenna abali ku ludda olwa ddyo, mujje nga muyita wano, kubanga mugenda kukkirira, mwetoloole.

173 Kati mugenda ku, bagenda kufuluma batya, Ow'oluganda Borders? Baakuyita mu luggi olw'omu mbiriizi, bakomewo munda mu kizimbe nate.

174 Kale, oludda *luno* bwe lunayitibwa, mu ddakiika ntono, nabo balyoke basituke. Era ka tulabe kati kiki. . . Kale, abali ku ludda *luno*, mudde ku ludda luno wano. Mukwate kaadi zammwe ez'okusabirwa, mudde ku ludda luno. Nammwe abali ku mwaliiro ogwa waggulu, muserengete wansi mubegatteko ku nkomerero y'olunyiriri waggulu awo. Kati abali ku ludda olwa kkono, mugendere ddala eri ku ludda olwa kkono. Kati awo, mulaba, mukole olunyiriri olwammwe mugende emabega *eri*; mukyuke, mudde *eri*. Mulaba? Era mugenda kugoberera olunyiriri okwetoloola wonna, kati awo tetujja kubeera na kwetabikatabika kwonna.

175 Kaakati mmwe abali ku mwaliiro ogwa waggulu, mufune ebifo byammwe mu nkuubo ezo mwennyini, muyingiremu nga bwe bayitawo.

176 Kati, mutandike okutambula nga mudda emabega, buli omu, tambula nga odda emabega otuuke awali olunyiriri luno *wano*. Mujje buzzi wano, waggulu *wano* eno, mutandike okutambula nga mwetoloola mutuuke ku lunyiriri luno *wano*.

177 O, kiki ekiyinza okubaawo kati! Kiki ekiyinza okubaawo! Kino kigenda kubeera kiseera ekintu eky'enjawulo we kiteekwa okubaawo. Kale.

178 Kati, ekyo kituufu, muddeeyo emabega wali *eri*, muyingire mu lunyiriri, bwe mutyo. Mwetoloole olukuubo luno. Muyite awo.

179 Era kati nga muyimiridde, buli omu yimirira ku bigere byo, tugenda kusaba. Era ekibiina kino kigenda kusaba wamu nange, nti ogenda kuwonyezebwa. Beera n'okukkiriza kati. Era to . . .

180 Mujje eno bwe muti, abali eri emabega, mujje eno bwe muti mwegatte ku lunyiriri luno wano. Mujje eno bwe muti, mukole olunyiriri lumu olunene. Mujje eno *bwe* mutyo, mukole olunyiriri lumu. Ky'ekyo.

181 Buli omu abeere mu kusaba. Beera ddala mu kukkiriza kati. Totunuulira kibiina kati. Mujjukire nti, twe—twetooloddwa Okubeerawo kwa Yesu Kristo, nga kulindiridde ffe okussa ekitiibwa mu ekyo ky'Akoze mu makkati gaffe, okuyita mu kubeera n'okukkiriza mu Kigambo Kye.

182 Ekyo kirungi. Kati kijja kuba kirungi. Ndowooza olunyiriri olwo lutambula bulungi.

183 Kati nga bonna bayimiridde, njagala buli muntu kati, ali mu kizimbe, okoteke omutwe gwo.

184 Mukama Yesu, kinaatera okubaawo. Okusalawo kulina kukolebwa kati. Tukkiriza nti w'Oli wano? Tukwagala? Tulina okukkiriza, Mukama, okumala olw'ebyo bye tugenda okusaba? Abantu bano beeyoleka wamu mu kuyimirira mu lunyiriri. Mukama, leka kireme kukolerwa bwereere. Leka kibeere nti, Mukama, bwe bayita wano, buli omu ayitewo nga ayita wansi wa Kristo, kubanga tukimanyi nti waali wano. Era tusaba bafune okuwonyezebwa kwabwe. Nkakasa nti ne mu wiiki endala ezinaddirira, abantu bano bajja kugenda eri abasumba baabwe, abakazi ababadde n'endwadde ez'ekikyala, endwadde ez'omu lubuto, abasajja abatawanyizibwa akawago, n'obuzibu obw'engeri yonna, bujja kuwonyezebwa, nga bagamba nti, "Okimanyi nti, ekintu kyagenze," kubanga bali mu Kubeerawo Kwo. Leka bajje kati era—era bakitwale kino kye wafiiririra. Bo lye Zzadde lya Ibulayimu, era wabawangulira. Leka bajje bafune ekyo kye wabawa.

185 Kati ggwe, Ssitaani, oyanikiddwa nnyo wiiki eno, n'okitegeera nti wawangulwa. Yesu Kristo yakuwangula e Kalivaaliyo. Yazuukira ku lunaku olw'okusatu, olw'okuggyibwako omusango kwaffe, era ayimiridde mu makkati gaffe kati. Era okukkiriza kwaffe kutunuulidde Ye, sso ssi ggwe ne byonna by'okoze. Va ku bantu bano, mu Linnya lya Yesu Kristo.

186 [Ebbanga jjereere ku lutambi—Omuk.] . . . ? . . . Ekyo tukikoze nga Mukama bwe yatulagira okukola. Bameka ku mmwe abazze mu lunyiriri olw'ab'okusabira, abakkirizza nti mugenda kuwona, muyimuse emikono gyammwe. Nange nnyimusizza ogwange wamu nammwe.

187 Kye tubadde tukola awo, kye tusembezzaayo, nga ekibiina ky'abaweereza awo; bangi ku bo babadde balwadde, mbadde nkimanyi, naye bafuba okugatta wamu amaanyi gaabwe

okuleeta ebisibo byabwe, oba bo bayingira oba nedda. Abo basumba aba nnamaddala. Era Omwoyo Omutukuvu yaŋŋambye nti, “Basabe bakwatagane wamu emikono.” Ne tugatta wamu emitima gyaffe n’obutimba bwaffe, n’okusaba kwaffe, ffenna.

188 Yesu, bawonye, nabo. Era obafuule abasumba abanywevu, nga banywevu mu Kigambo kya Mukama.

189 Nsaba Katonda, baganda bange, abawe okuyaayaana kwonna okw’emitima gyammwe. Mumuweereze ennaku zonna, era mubeere n’amaanyi ga Katonda mu bulamu bwammwe, okuweereza eri ekibiina ky’abantu bano abalungi. Nsaba Yesu Kristo, Oyo abadde naffe, era ali nammwe ekiseera kyonna, yeeyoleke nnyo gye muli okusinga bwe yali akikoze.

190 Mmwe, abamu ku mmwe ababadde abalema, muyinza obutalabawo njawulo okumala akaseera, muyinza obutalabawo njawulo. Mulabe Ibulayimu kye yakola. Tekirina kye kikyusa oba; ekyo ssi ky’otunuulidde. Totunuulira bubonero bwo. Tunuulira kye yayogera. Bw’ogamba nti, “Nkyawulira obulumi,” eyo ssi ye nsonga. Okoze ekyo Katonda kye yakugamba okukola. Mulaba, totunuulira ekyo. Tunuulira kye yayogera. Katonda yagamba nti bwe kiri! Nkikkiriza. Ggwe tokikkiriza? N’omutima gwange gwonna, nkikkiriza.

191 Mukama Katonda abawe omukisa okutuusa lwe ndiddamu okubalaba nate. Essaala yange gye muli eri nti; ekiro kireme kukwata nnyo, enkuba ereme kutonnya nnyo. Nja kubeera nga mbasabira. Nammwe munsabire. Okutuusa lwe tulisisinkana nate, Katonda abawe omukisa. Kati ow’oluganda asumba, mulaba.

64-0322 Okulya Omulyango Gw'Omulabe
Oluvannyuma Lw'Okugezesebwa
mu ssomero lya Denham Springs High School
e Denham Springs, Louisiana Amerika

LUGANDA

©2020 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org